ENNYINGO - 5

PAULO KIYINGI AWASA ESEZA NABWAMI

5.1 Paulo Kiyingi (PK) bamulabira omukyala ow'okuwasa

Nga bwetwamaze okulaba nti bakadde ba Ayisa Nakku baalemesa PK okuwasa omwana wabwe olweddiini okuba enjawufu, yatandika okunonya omukyala omulala ow'okuwasa. Ekyaddirira ye Erieza Sekamwa eyali muliranwa wa PK era nga mukwano gwe nfiirabulago kwali kulabira PK mukyala. Sekamwa oyo mu kiseera kye kimu ate era nga ne mu maka ga Nakibuuka yali nga ow'omumaka. Kwekuzigira PK omuwala omuto ennyo Eseza Nabwami (ENK), muwala wa Asanasiyo Lule Mujugumbya ne Eresi Sanyu Nabukeera abe Kasanda Singo. Nga ebigambo bimaze okukakata, balabaganye era basiimaganye, byatuuka ku ntikko ne basalawo okufumbiriganwa. Eyatuusa amawulire ku PK nti "omuwala asiimye" yali Yuniya Nandawula; PK n'amukwatira sente 50, okumwebaza amawulire ag'essanyu ago. Ekyava mu ebyo kwali ENK kwanjula PK mu bakaddebe. Omukolo gw'okwanjula gwakolebwa mu maka ga kitaawe omuto Erisa Googwa, era naye eyabeeranga e Mulago, mu kibanja kye kimu eky'obukyala bwa muwala wabwe Sofia Nakibuuka kyeyali asikidde. Nga byonna biwedde, nga abakulu bamaze okusiima n'okukkiriza byonna ebyabawebwa era nebyasuubizibwa, tebaalema kuwa PK mukisa kuwasa ENK, bafumbiriganwe mu bufumbo obutukuvu.

5.2 PK ne ENK bagattibwa mu Bufumbo Obutukuvu

PK mu kutuukiriza ekisuubizo kyeyasuubiza bakadde babwe nga ayanjulwa yasalawo okulinyalinya akasozi Namirembe ne ENK eyali akyali omuto ennyo nga wa myaka 18 gyokka (bwogerageranya ne PK olwo eyali aweza egy'obukulu nga 32), bagattibwe mu Kanisa Lutikko eya'Omutukuvu Paulo (St Paul's Cathedral Namirembe) nga 29 September 1928. Eyabagatta yali Rev Ananiya Binaisa, eyali kitaawe wa Godfrey Lukongwa Binayisa QC, eyaliko President wa Uganda eya manvuuli (1979-1980). Okusinziira amaka agenjuyi zombi abaagalana bano mwe baali basibuka okuba nti gaali ga kitiibwa nga bwetulabye emabega, ate era ne mbeera za PK, obuyigirize bweyalina n'omulimu gweyali akola, abaaliyo bagamba nti embaga yabwe yali mawuno ddala.

5.3 PK ne ENK batandika Obulamu bwabwe nga Omuntu Omu

PK ne ENK nga bamaze okukuba endagaano yabwe mu maaso g'abantu ne mu maaso ga Katonda nga bwebatagenda kwawukana okutuusa nga Walumbe asazeewo, baasalawo okugenda mu maka gaabwe e Makerere agaali ku luguudo Nanfumbambi Road, oluva ku mairo ebbiri ku lwe Bbombo ne luyita wansi nga lwetooloola Makerere okutuuka ewa Zaake. Mu kibanja ekyo baamalawo ebbanga nga lya mwaka gumu n'ekitundu. Mwe baazalira omwana wabwe eyasooka Nasani Luggya, eyabafaako embagirawo era ne bamuziika mu kibanja ekyo. Baafuniramu emitawana emirala mingiko; kale ne bawalirizibwa okusenguka okuva mu kibanja ekyo. Engeri gye baali bamaze okweraga nga bwebali abagoberezi ba Kristo kakundiiri mu Kanisa ye Makeerere, ekkanisa yakkiriza mu mwaka gwa 1931 okubawa e kibanja ku ttaka lyayo, era ge maka gaabwe ago nakati agakyaliwo e Makeerere, okumpi ne Kanisa. Webagaziyirizza ekika kyabwe ekya Kiyingi, era ye nsibuko y'abaana n'abazzukulu abenda ya Paulo Kikwanguyira Kiyingi bonna.

5.4 Olulyo lwa Kiyingi

Paulo Kikwanguyira Kiyingi (PK), omwana owokusatu owa Samwiri Lwasi Buzaabo yazaala bano:

1. Kiyingi Moses Semyano - yazaalibwa mu 1926, yafa mu 1992
2. Namitala Mary - yazaalibwa mu 1928, yafa mu 1977
3. Luggya Nassani - yazaalibwa 29/02/1929, yafa mu 1930
4. Nalugwa Efulansi Miriam Lwalamukwano - yazaalibwa 16/03/1931
5. Mpiima Henry James - yazaalibwa 25/02/1933, yafa 25/03/1966
6. Kaggulire Damasiko Erieza Kikwanguyira - yazaalibwa 28/02/1935
7. Kulumba David Buzaabo - yazaalibwa 09/11/1936
8. Bbosa Asanath Lule - yazaalibwa 01/02/1939
9. Nakiyingi Elizabeth Rosette Banzigya - yazaalibwa 27/12/1940, yafa mu 1995
10. Nabbosa Esta - yazaalibwa 08/05/1942
11. Kibuuka Balubuuliza - yazaalibwa 10/10/1944
12. Lutalo Samuel Kigwira - yazaalibwa 03/09/1946
13. Nalumu Kasalina Nakibuuka Ziribaggwa - yazaalibwa mu 1950, yafa mu 1953
14. Sekkadde Kikuttobudde Kiributa- yazaalibwa 09/08/51
15. Nalugya Margaret Kuumekyoto - yazaalibwa 31/12/1955

5.5 Olusozi Makeerere

Makeerere gwe mutala olulyo lwa Kiyingi kwerwatandikira. Gulina ebyafaayo ebikulu bingi, ate eby'omugaso okumanya. Olusozi Makeerere lumu ku nsozi omusanvu okutudde ekibuga Kampala. Kwe kutudde ekitebe ky'ebyenjigiriza ekyokuntikko mu Uganda, era ekimanyibbwa munsi yonna (Makeerere University).

Erinnya Makeerere lyatandikira ku Ssekabaka Jjuuko, Kabaka owe 16 mu Bakabaka be Buganda. Mu mwaka 1680 Jjuuko yali atambula ne basajja be nga agenda okwoogereza omuwala Nnalunga, n'atuuka ku lusozi olwo. Baba bali okwo omwezi ne gulwana ne njuba era ne gujizikiza, obudde ne buziba kibwatukira n'enkoko ne zinyuka ne ziyingira mu nju. Naye amangu ago Lubaale Wanga naava e Ssese n'awalampa mu bwengula n'awanga enjuba, n'eddayo mu bwengula eyake. Kale Jjuuko bwagenda okulaba nga ate obudde amangu ago bukedde kwe kugamba basajja be nti, "Ha, gano no gabadde makeerere". Okuva olwo erinnya nerikala, olusozi n'omutala/ekyalo ne biyitibwanga Makeerere, naguno gujwa. Enyumba y'enda ya Kiyingi gyeri ku kasozi ako, era abaana n'abazzukulu be bonna gyebakungaanira buli lwe wabaawo emikolo emikulu egifa ku lulyo lwabwe.